2. EGGWANGA LYA KATONDA

Mr Kamya



2.Abaminsani abazira besowolayo, Katonda be yalonda batuuke muno.
Baakola buteddiza baatulungiya, Baatumanyisa Kristu n'amazima ge,
Baatukumamu omuliro baatubangula Eggwanga lya Uganda lyafuuka lirye.

3.Mu kusomesa abantu baali bagumu, Ng'olaba Mapeera oyo bwe yebuga
Beesiganga Kristu n'abalunngamya Baakolanga n'amaanyi g'otosuubira
Kyasanyukirwa nnyo ekyo eky'okulokolwa Kyaviramu n'abangi okubatizibwa.

4.Omukulembeze wa byonna yesowolayo, Mukasa eyasooka nga wa njawulo.
Kyava mu buyinza obw'Omulokozi N'agaya ebyensi eno n'abiwangula
N'akulembera bangi ewa Kristu Mulumba ate n'abalala baamwegattako.

5.Abazira omusaayi baaguyiwa Ne guletera Uganda obulokofu,
Twasooka bulungi tulina amaka, Omutuviira bannaddiini abaliwo kati,
N'atuwa bakabona abamufaanana Bakulembere eggwanga ly'abatambuze.

6.Ekibiina kya Mapeera kyayanyirawo Ng'omuzadde w'ensi eno ye Nnamasole
Baamukwasa n'ensi eno n'emuwongerwa N'atufunyisa enneema ey'obujulizi
Tutunuulira Maria tuli bagumu Luliba lumu gy'ali tulituukayo.